# Amateeka amakakali ku ba bodaboda n'abasaabaze mu kibuga




Owa bodaboda ng'atisse abantu babiri nga bano, be bamu ku bagenda okukwatibwa mu bikwekweto by'okutereeza ebyentambula mu Kampala.

## Abantu boogedde



**Nicholas Bbanja:** Bye bateekateeka okukola birungi era byigenda kutereeza omulimu gwaffe. Kye nneeraliikiriddemu, bw'onoogendanga mu divizoni gy'otova bayinza okukukolako effujjo.



**Ibrahim Kakungulu:** Nsaba batuwe buwi siteegi eby'obujaketi babireke kuba babuseera bulala ate ffe tuli bamufunampola. KCCA etuwe siteegi etubuulire n'amateeka ge tuba tugoberera, kimala.



**John Ssekitooleko:** Enteekateeka eyo yaliwo naye n'eggwaamu amaanyi naye ffe tugyaniriza. Ababbira ku boda tebaba ba boda, abo baba babbi lwakuba baba ku ppiki ne babuzaabuza abantu.



**Steven Kalemba:** Kyenkana baatereezezza kuba boda ezibadde mu bifo ebimu baaziggyeewo. Kijja kututaasa kuba ababbi babadde bava mu bitundu ebirala ne banyaga abantu mu kavuyo akabaddewo.



**Wasswa Mukiibi:** Okuwera boda ezitalina siteegi nsaba KCCA ekinywerereko kireme kukola kaseera katono. Buli divizoni okuba n'akajaketi kaayo kiyamba, oli bw'afuna akabenje bamanya gy'ava.

Bya LAWRENCE KIZITO

EKITONGOLE kya KCCA kitandise okukakasa siteegi za boda boda ezirina okubeera mu Kampala yonna. Mu divizoni za Kampala ettaano, siteegi 927 ze ziri mu kwekenneenyezebwa ng'enteekateeka eno egenda kumala emyezi esatu gyokka.

Okusinziira ku minisita omubeezi owa Kampala, Kabuye Kyofatogabye, siteegi 166 zo baamaze dda okuzikakasa, ng'omulimu gw'okwekenneenya endala gukyagenda mu maaso. Ku mulundi guno KCCA etambulira wamu n'abakulembeze ba bodaboda mu Kampala, mw'eyita okuwandiisa aba bodaboda okumanya ebibakwatako ne siteegi kwe bavugira.

Ebiwandiiko bya KCCA, **Bukedde** bye yalabyeko, biraga nga buli divizoni ya Kampala eriko siteegi ze baagiwadde. Divizoni ya Kampala Central, KCCA yagiwadde siteegi 152, Lubaga 169, Kawempe 192, Makindye 208, ne Nakawa 206.

Buli siteegi yaweereddwa omuwendo gwa boda boda ezirina okubeerako, kyokka nga mu kiseera kino okwekenneenya n'okukola ennongoosereza kugenda mu maaso.

Kyofatogabye yagambye nti, enteekateeka z'okutereeza ekibuga zigendereddwaamu okusobozesa bizinensi okutambula obulungi awatali kavuyo, okunyweza ebyokwerinda n'obutebenkevu, okumalawo ababbi ababadde bagufudde omugano okubbira ku bodaboda n'okulaba nga buli muntu yeeyagalira mu kibuga.

### ENTEEKATEEKA ENGAZI

Okusinziira ku pulaani ya KCCA ey'okutereeza ebyentambula mu kibuga, eya Kampala City Transport Regulatory Plan eri mu kwekenneenyezebwa, baagala buli bodaboda ekolera mu Kampala okuba ng'emanyiddwa nnannyiniyo, agivuga, siteegi kw'avugira, ne divizoni mw'akolera.

Bodaboda eterina bisaanyizo ebyo, KCCA egamba nti tegenda kugikkiriza kulinnya mu kibuga. Era erina ppulaani ey'okulekamu bodaboda 27,870 zokka mu Kampala mwonna. Buli wa bodaboda ateekwa okubeera n'ebikoofiira ebibikka omutwe bibiri okuli ekikye n'eky'omusaabaze, okukendeeza ku muwendo gw'abantu abafiira mu bubenje bwa bodaboda. Omusaabaze anaasangibwa nga tayambadde kikoofiira, waakukwatibwa wamu n'owa boda amuvuga.

Entabiro y'ebyobusuubuzi mu kibuga, emanyiddwa nga Central Business District, KCCA teyagalayo bodaboda zisaabaza bantu. Eyagala zeetikka migugu oba ezitambuliramu obutambulizi.

Era KCCA eyagala okuteekawo ebifo ku buli luguudo oluyingira ekibuga, bodaboda we zirina okuteeka abasaabaze ne zimala ne ziddayo. Ku luguudo lwa Jinja Road, baagala boda boda zikome ku Kitgum House. Eziva ku lw'e Bombo baagala zikome Wandegeya, eziva ku luguudo lw'e Ntebe zikome ku ssaawa ya kkwiini, ate eziva e Lubaga, Nateete, Wakaliga zikome ewa Bakuli. Abavuzi ba bodaboda era balina okwambala yunifoomu nga buli divizoni erina langi eyaayo.

Amyuka ssentebe w'abavuzi ba bodaboda mu Uganda, Siraje Mutyaba yagambye nti pulaani ya yunifoomu egenda kukomawo na maanyi, olunaamala okuwandiisa bodaboda zonna, buli omu n'afuna siteegi, ekiddako kubawa yunifoomu.

Pulezidenti Museveni mu 2024, yatongoza yunifoomu zino, kyokka okuva olwo zibadde tezinnannyikira mu bavuzi ba bodaboda.

Gavumenti ng'eyita mu ofiisi ya Pulezidenti ekwasaganya enteekateeka ya Mwoyo gwa ggwanga (Patriotism), yawa abakulembeze ba bodaboda mu Kampala n'emiriraano kompyuta n'amasimu ge bagenda okukozesa okuwandiika ebikwata ku ba bodaboda, ebigenda okuteekebwa ku yunifoomu zaabwe.

Mu nteekateeka ebaddewo, Makindye yaweebwa langi ya kiragala omukwafu, Kawempe kikuusikuusi, Lubaga bbulu, Kampala Central ppinka, Nakawa kitaka omukwafu. Mukono kakobe, ate Wakiso kitaka omutangaavu.

Mutyaba yagambye nti, babadde baakagaba yunifoomu eri aba bodaboda ebitundu 30 ku 100, era KCCA olunaamala okukakasa abavuzi ba bodaboda abatuufu, bonna bagenda kuweebwa yunifoomu, ng'atagirina tajja kukkirizibwa kuvuga bodaboda.

### ABAKULEMBEZE KYE BAGAMBA

Mutyaba yagambye nti, mu kiseera kino siteegi KCCA ze yawandiise nga teziri ku ttaka lya Gavumenti, yalagidde aba bodaboda okugenda okufuna ebiwandiiko eri bannannyini ttaka ebiraga nti babakkirizza okuteekawo siteegi ku ttaka lyabwe. Ebiwandiiko ebyo bwe bamala okubireeta, nga siteegi ekakasibwa era gwe mulimu gwe baliko mu kiseera kino.

Era yagambye nti, bakkaanyizza ne KCCA nti enteekateeka eno eggwe mu myezi esatu gyokka, kyokka waliwo ebitalinda ebyetaaga okukolebwako amangu, okugeza okuggyawo siteegi za bodaboda ezibadde ku nguudo okutambulira abeebigere, eziri ku ofiisi za Gavumenti ne ku bbanka.

Yawanjagidde abavuzi ba boda abatalina siteegi era nga tebanneewandiisa, okubikolako mu myezi esatu gye baabawadde, ng'emberenge tennagaga. Buli ayagala okwetereeza yamuwadde amagezi okugenda ku ofiisi z'abakulembeze ba bodaboda mu divizoni ye, yeewandiise bamufunire siteegi kwe bamuteeka nga bukyali.

Ate ssentebe w'abavuzi ba bodaboda e Makindye, Umar Isabirye Babalanda yagambye nti, nabo bali mu kuwandiika abatalina siteegi, n'abasaba okugondera amateeka bafune mu mulimu gwabwe.

Siteegi bwe zinajjula, kyokka ne wasigalawo abeewandiisa naye nga tebafunye siteegi, bajja kwogerezeganya ne KCCA okulaba bwe bayambibwa.

Pulaani z'okutereeza bodaboda mu kibuga zizze zigwa butaka enfunda eziwera, ng'abakulembeze ba bodaboda bakiteeka ku bannabyabufuzi abawaganyaza abavuzi ba boda, abafere n'ababbi abataagala mulimu kutereera kubanga bajja kuba tebalina we baliira.

Kinajjukirwa nti mu 2022, KCCA, Minisitule y'ebyentambula ne ofiisi ya Katikkiro wa Uganda zaakola enteekateeka y'okuwandiisa aba bodaboda n'okubakebera emitwe ku 62,000/-, kyokka abakulembeze ba bodaboda abamu ne bakisimbira ekkuuli, ne loodi Meeya Erias Lukwago n'atiisa okutwala omusango mu kkooti Gavumenti ennyonnyole etteeka mwe yali esinziira okukebera aba bodaboda emitwe n'okubaggyako ssente, era enteekateeka eyo yakoma awo.